ENYANJULA

# EBINTU BISATU BYETULINA OKWETEGEREZA EBIKWATA KU BULAMU MU NSI EYAGWA

1. **Okugezesebwa tekwewalika.**

   Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo. (1 Petero 4:12)

   Mbategeezezza ebyo byonna mulyoke mube n'emirembe mu nze. Mu nsi muno mujja kubonaabona, naye mugume, kubanga Nze mpangudde ensi" (Yokaana 16:33)

   Era bonna abaagala okuba mu bulamu obutya Katonda mu Kristo Yesu, banaayigganyizibwanga. Naye abakozi b'ebibi n'abalimba abeefuula okuba ekyo kye batali balyeyongera okuba ababi, ne babuzaabuza abalala, era nabo ne babula. (2 Timosewo 3:12-13)

2. **Ebigezo bitera "okutuzimba" oba "okutumenya**

3. **Abali mu kugezesebwa balemererwa okusituka okw'ebuuza "lwaki" ne basigala nga basibiddwa mu bulumi bwabwe.**

# EKIGAMBO KYA KATONDA ERI ABO ABAYITA "MU KUGEZESEBWA"

Nze Yakobo, omuddu wa Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo, mpandiikira ebika ekkumi n'ebibiri ebyasaasaana, nga mbalamusa. Baganda bange, mulowoozenga byonna okuba essanyu, bwe mukemebwanga mu ngeri ezitali zimu 3nga mumanyi ng'okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. 4Omulimu gw'okugumiikiriza bwe gutuukirira, ne mulyoka mufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga temulina kibabulako. (Yakobo 1:1-4)

1. **Biki byenninako obuyinza nga embeera enneetoolodde etabusetabuse?**

   **Eky'okuddamu:** ENNEYISA YANGE (Yakobo 1:2)

   "Mulowoozenga" – wekkeneenye, kibazeemu, salawo

   "Okuba essanyu" – enneyisa = nga "essanyu teririmu kigattiddwamu, essanyu erituukiridde"

   "Okugezesebwa" – Mwetoloddwa

2. **Kiki kyenina okukola okusobola okutambuza obulamu bwange leero?**

   **Eky'okuddamu:** GUMIRA/GUMINKIRIZA (Yakobo 1:3)

   "Nga mukimanyi" – mu bumanyirivu = Endowooza/endaba y'ebintu

   "Okugezesebwa" – okukakasa, okulongoosa, okulaga nga kituukiridde nga tewali kibulako

   "Okuguminkiriza" – okuguma = obusobozi okugumira n'okuguminkiriza

3. **Ssuubi ki lyennina kw'ebyo eby'enkya?**

   **Eky'okuddamu:** Katonda ajja kutwala EKISINGA OBUBI akikozese ku LW'OBULUNGI bwange. (Yakobo 1:4)

   "Leka okuguminkiriza" – kkiriza, kolera wamu n'omulimu gwa Katonda osobole okufuuka …

   "Ekituukiridde" – nga kikuze, kyengedde, kikulidde ddala

"Kituukiridde" – kiramba, nga ebitundu byonna bikuze bulungi, nga tewali kibulako

# ENGERI KATONDA GY'AKOZESAAMU EBIZIBU OKUTUKUZA

1. Tuwalirizibwa OKWESIGA Katonda ku ddaala eppya. Mu Bulamu bwaffe obwa bulijjo, tutera okwagala okwemalirira, okwegulumiza era nga tetwewayo eri Katonda.
2. TUJJIBWA ku nsonga z'obulamu ez'akaseera obuseera, ez'amangu, n'ez'ensi. Tuwalirizibwa OKUDDAMU OKWEKENNEENYA ebyo ebikulu gyetuli, byetukulembeza, byetweyamye okutambuliramu.
3. Ebigezo bitusobozesa OKULEGA ku maanyi ga Katonda mu buliwo. Obwetaavu bwaffe bufuuka omukutu gw'ekisa kya Katonda; ebizibu byaffe ne bifuuka ekikozesebwa ekiraga amaanyi ge.
4. Bikola nga OBUJULIZI obw'amaanyi eri abo abatakkiriza. Engeri gye tugumira ebizibu eraga ensi nti ddala Katonda Gyali.
5. Tufuuka abantu abawulize, abafaayo, era abasaasira, abo abafaanana nga KRISTO. Abo abalumiziddwa ennyo batera okwagala ennyo.

# EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Gabanako ne banno embeera enzibu gyewali oyiseemu (wadde nga kizibu) nga kivuddemu ebirungi mu bulamu bwo.
2. Wadde nga ddala kya bulijjo, lwaki kikulu okutuuka ku ssa ely'okwebuuza ekibuuzo "lwaki?"
3. Kitundu ki mu bulamu bwo mu kiseera kino kyewandigambye nti kino kyakugezesebwa, oba "ekikumenya"?

4. Twala akaseera oyite mu bibuuzo ebisatu "ebya kiki" Katonda by'atuwa mu Yakobo 1:2-4.
5. Teesa ku ngeri gy'oyinza okussa amazima gano mu nkola mu mbeera gy'olimu kati. Maliriza n'okussaawo akadde buli omu okunyweza munne mu kusaba.